***P360/3***
***LUGANDA***
***(LITERATURE)***
***July /Aug. 2018***
*3 Hours*

**ACEITEKA JOINT MOCK EXAMINATIONS 2018**

**Uganda Advanced Certificate of Education**

LUGANDA

(LITERATURE)

**Paper 3**

3 Hours

**EBIGOBERERWA:**

- *Olupapula luno lugabanyiziddwamu ebitundu bisatu:* ***A****,* ***B*** *ne* ***C****.*
- *Mu kitundu* ***A****, kolamu ekibuuzo kimu.*
- *Mu kitundu* ***B****, kolamu ebibuuzo bibiri (2), ekimu kiggye mu puloozi n'ekirala kimu kiggye mu bitontome.*
- *Mu kitundu* ***C****, kolamu ekibuuzo kimu.*
- *Awamu kola ebibuuzo bina (4) byokka.*

**Turn Over**

## EKITUNDU A

**M.B NSIMBI : Bwalibutamanya.**

1. ‘Mukazi wo n’abaana bo ggw’obasibye olw’empiza zo embi. Ebikufaako bye nnina wano bindaga ng’abantu bo bulijjo tobalumirwa’.

   i) Ani ayogera ebigambo ebyo ? (Obubonero 02)

   ii) Ebigambo ebyo bisimbuddwa mu ssuula ki ? (Obubonero 03)

   iii) Agambibwa ebyo yeeyolese atya nga bwalina empisa embi ? (Obubonero 10)

   iv) Omuwandiisi agenderedde ki okuteeka ayogerwako mu 1 (iii) mu lugero? (Obubonero10)

2. ‘Mala okukolako, abakulu bwe baliraba ng’okola bulungi baliyinza okukuwa omulimu ogusingako obulungi.’

   i) Ebigambo ebyo bisimbuddwa mu ssuula ki ? (Obubonero 02)

   ii) Biki ebigenda mu maaso ebireetedde omwogezi okugumya agambibwa nti ‘mala okulako ?’ (Obubonero 10)

   iii) Nnyonnyola ku nzimba y’omwogezi w’ebigambo ebyo owe n’ensonga lwaki azimbiddwa bwatyo ? (Obubonero 13)

**E. N. K KAWERE : Zinunula Omunaku.**

3. Nnyonnyola bulungi ebigendererwa bya Kawere mu lugero Zinunula Omunaku olage n’engeri gy’abibikkulira abasomi be. (Obubonero 25)

4. “Nankwata omukono n’agutulugunya nnyo, bwe yagata n’ambuuza nti, “.........................”

   i) Ani ayogera ebigambo ebyo era bisimbuddwa mu suula ki? (Obubonero 03)

   ii) Nnyonyola bulungi essomo omuwandiisi lyabikkulira abasomi okuva mu ssuula eyo. (Obubonero 22)

5. Soma ekitundu kino wammanga n’oluvannyuma oddemu ebibuuzo ebikuweereddwa ku kyo.

   Abawala abavubuka bakola ebintu bingi nnyo nga tebabigenderedde bw’atafuna kulabulwa mangu yejjusa mu bukulu nga tekikyayamba anti “akaakyama amamera”. Bagenda ne batambula nga babangalazza ebifuba engeri gye bibaako ekipya (amabeere) babireega ne babizza eno mu maaso wano mu mugongo ne weebinamu. Ne bagaziya emikono, ne balyoka batambula nga badalya bakasuka amagulu, ne bakulula sapatu, akafuufu ne kasituka ne kababuna entumbwe. Abaana abo batambula bayimbayimba nga bwe bawowoggana, atunula ne yeewunya.

Abawala amabeere gabakozesa ebintu bingi. Abamu gabaleetera entumba. Anti eyaakagamera ayinza okugalaba ng'amanene ennyo olwo nno n'alyoka atambula ng'akutaamiiridde eno mu maaso. Aweta ekifuba ne kidda emabega mbu olwo agakweka. Okukkakkana ng'omuwala afunye entumba etaali na mu kika. Oluusi baba bakweka mbuto. Abaana baffe okweyisa bwe batyo kiva mu butekkiririzaamu kye ntegeeza mw'ekyo, ye mwana obutakkiriza nti ebimuliko oba mabeere oba birevu oba ki biba birabo ebimuweereddwa katonda.

Bw'olaba omwana ali mu mbeera eyo mutuuze omulabule era muyigirize entambula ennungi. Tomuleka kutambula atyo kisakkuluba ng'omubikire. Omuzadde tokwatibwa nsonyi, situkiramu omutambuliremu ng'omukazi bwatambula omulage omuntu atambula obubi bw'afaanaana oyo atambula asaabuka. Muyigirize ng'omulaga entunula y'omukazi, mumenyere ku maaso alabe amaaso ag'ekikyala bwe gatunula, mwawulire amaaso amamaggule bwe gafaanaana era mutunuuliremu amakanule obukanuzi afune enjawulo. Omwana bw'afuna eby'okulabirako ebyo ajja kukyusa, anti "ennyonyi enkulu y'eyigiriza ento okubuuka".

Mwenna abalera abaana, temwerabiranga kukebera mabeere gaabwe nga bakula kubanga waliwo amabeere agaba ag'ebizibu agalanga ekikwa. Gakeberenga, ogeekennenye, bw'ekiba kisobose omusalire amagezi aleme kudaaga na nsi eno. Mmwe temuwulirangako musajja agamba nti lwe nsula ewa gundi ensolo ziyita buyisi ku lugwanyu? Ng'ate bw'asula ewa gundi ne bwe wataba kitimba akwasa ensolo? Bye twetegereza abaana baffe baleme kukula nabyo. Ebyogero by'ayambanga nnyo ku nsonga eyo. Naye kati abaana tebanyigwa mu byogero, mbu ebyo bya kikadde nnyo, byandiba bigubya obusuuka ne nappi.

N'ebigere bitunuulire anti nabyo biyinza okulanga nga amabeere. Ayola oba alera weeyongererenga ddala okwetegereza omwana kuba waliwo abatamera nviiri za mu mbugo. Oyo naye aba wakikwa era oyo gwe tuyita ow'ekiwekete abaako ekizibu. Tabaza mmeere, tasubuuza ssente ne zivaamu magoba, n'ebirala nkumuliitu. Abeera wa kifirizi era aba wa lusssira (olutwe olususse).

**Ebibuuzo:**

i) Nnyonyola bulungi ebirowoozo by'omunyumya by'abikula ku ntambula y'abawala, Abavubuka. (Obubonero 10)

ii) Laga bulungi obukugu bw'omunyumya bwayolesa mu nkozesa y'olulimi mu kitundu kino. (Obubonero 06)

iii) Bw'osoma ekitundu kino kikussa mu mbeera ki era lwaki? (Obubonero 05)

iv) Laga bulungi amakulu ag'omunda agali mu bigambo bino nga bweyambisizza mu kitundu kino. (Obubonero 04)

   a) Atambula asaabuuka.
   b) Okumaggula amaaso.
   c) Okubeera ow'ekiwekete.
   d) Tebanyigwa mu kyogero.

## EBITONTOME

**Okot. P' Bitek; Omulanga gwa Lawino**
***(Kyakyusibwa Abasi Kiyimba)***

6. Olugendo lwe Pagak lwa Ntiisa.

    1. Omwami wange
    Buli kiseera annyombesa
    Nti mpitiridde okukkiriza mu bigambo bya balubaale;
    Mbu olw'okuba kitange
    Yali musawo wa kinnansi omukuukuutivu,
    Nnemeddwa okuyiga enkola ey'omulembe
    Ey'okugema endwadde n'okulabirira abalwadde
    Atuula annangira
    Nti simanyi kukozesa kwiniini
    Wadde okwewala obucaafu obuleeta endwadde.
    Ocol agamba
    Nti mpitirizza okutya eddogo,
    Kino ne kinnemesa okwanjulukuka ebirowoozo.

    2. Baliraanwa baagamba baze
    nti mmange yaleeta eddagala awaka
    ery'okufulula eddogo
    abakazi abagumba
    lye baali baleese okutta abaana baffe.
    Mbu abamu baali baleese agugu
    Ng'abalala baleese adraka
    Ate abalala baamugamba
    Nti jjajjange omukazi azaala maama
    Naye yaleeta eddagala ekkambwe
    Ng'aliggya mu Bamadi,
    Mbu nga teritta baana lyereka lityo.

    3. Wadde ocol takkiriza
    Nti ebintu by'abaddugavu birina amaanyi,
    Ebigambo bino bimweraliikiriza nnyo
    Kubanga tayagalira ddala
    Bantu bakolagana na ddogo.

    4. Ocol buli kwekyusa anvuma
    Nti ennyumba ye
    Ngiyingizaamu buli akyama awaka
    Nga mwe muli ne bannakyalo abatanaaba,
    Abaddugala ebitagambika
    Abawunya n'ekivundu
    Ekibaleetera okunyookako ensowera!

5. Ocol agamba
   Nti abeŋŋanda zange abamu,
   Naddala bannamukadde,
   Kya bulabe nnyo okubakyaza awaka,
   Kubanga balina endwadde ez'akabi
   Nga ebigenge n'akafuba
   Nga n'emibiri gibasiiwa buli ssaawa,
   Alina obweraliikirivu
   Nti endwadde zino
   Ziyinza okukwata abaana baffe,
   Ye seŋŋange addira ddala ku kitange
   Yamugobera ddala awaka waffe,
   Kubanga alina envunza n'ensekere;
   Mbu ate n'omutwe gwe
   Gulabika si mutereevu.

6. Oyo ye maama anzaala
   Eby'okutukyalira yabiviirako ddala
   Ng'ebigambo bya mukoddomi we
   Tajja kubisobola;
   Ggwe ate olaba amulangia
   Okwagala okutta abaana bange be nzaala?

**Ebibuuzo**

i. Ani atontoma mu kitontome kino? (Obubonero 02)

ii. Omutontomi ali mu mbeera ki era lwaki? (Obubonero 05)

iii. Ekitontome kino kisengekeddwa kitya? (Obubonero 07)

iv. Obuyiiya bw'omwandiisi bweyolekedde butya mu kitontome kino? (Obubonero 08)

v. Obukugu bw'omuwandiisi bwoyolese butya mu nzimba y'amaloboozi. (Obubonero 03)

7. Nnyonyola n'ebyokulabirako obutontomi obwoleseddwa Okot P Bitako mu bitontome eby'enjawulo ebiri mu katabo "Omulanga gwa Lawino". (Obubonero 25)

## F. M. MASAGAZI: Mpaawo Kitakya

8. Soma ekitontome kino wammanga n'oluvannyuma oddemu ebibuuzo ebikikwatako.

KYE NJE NKIMANYE II
Ebintu ebimu mbitegedde leero nti
Nange bisobola okuntuukako!
Ate nga byonna bajjajjaffe baabimanya dda!

Okimanyi njize

Ebintu by’ensi
Bizibu ommanya
Ekyezinze bwe kita
Okidduka ssebo!

Omusota y’enkula
Guzinga makata
Tegulaga ndasi
Anti guba nkata
N’onyooma enkata
Kazzi nga mutemu!

Emisinde, oggoba
Tolowooza bya nkata
Ne gubuuka waggulu
Ekinyonyi mpola
Okubojja n’endasi
Nga gukazakaza

Eggongolo ssebo,
Y’ente y’abato,
Bazannyisa, balya
Bakasuka bata
Balunda balera
Y’ente y’abato!

Ggongolo ly’olaba
Bwe lita enkata
Nga lyenyiwa abato
Obusungu nga bulinnya
Okusaaga nga kugenda
Ng’eggongolo libojja!

Ng’eggongolo libozze,
Gwe libozze tazibya
Abavumuzi toleeta
Emmumbwa totwala
Ekikulu kiri nti
Okulaama kusinga!

**Ebibuuzo:**

i) Nnyonyola obukugu omuwandiisi bw’akozesa okututusaako obubaka ng’ayita mu lulimi. (Obubonero 09)

ii) Nnyonyola ku nzimba ya sitanza mu kitontome kino. (Obubonero 06)

iii) Omuwandiisi afubye atya okuzimba amaloboozi mu ktontome kino? (Obubonero 06)

iv) Wa ebintu bina (4) okuva mu kitontome ebikakasa ng'omutwe gwakyo bwe gutuukira ku mutontomi. (Obubonero 04)

9. Bw'osoma Mpaawo Kitya, ayoleka atya F.M. Masagazi ng'omwagazi w'obutonde? (Obubonero 25)

## EKITUNDU C

### W. KIYINGI: Lozio Bba Ssesiria.

10. "Toyagala kunywera wano, leero ssente zipakase ozireete wano, ............. oba eriyo omuntu gwe nnakyawa nga Girigooli ........................!

(i) Akaboozi ako kasimbuddwa wa muzannyo? (Obubonero 03)

(ii) Baani abali mu kaboozi ako? (Obubonero 02)

(iii) Agambibwa ebigambo ebyo tayagla kunywera wa mwogezi, nnyonyola kino kwe kiva. (Obubonero 06)

(iv) Lwaki omwogezi alina obukyayi bungi ku Girigooli? (Obubonero 14)

11. Ekifaananyi ky'abakyala b'omulembe guno, omuwandiisi akyolese bulungi mu muzannyo Lozio Bba Ssesiria. Lambulula bulungi obutuufu bw'endowooza eno. (Obubonero 25)

### ELLY N. KYEYUNE: Bemba Musota

12. (a) Laga katemba ali mu nzimba n'enkulakulana y'omuzannyo Bemba Musota. (Obubonero 13)

(b) Lambulula bulungi ebyobuwangwa bwa Buganda ebyeyolekera mu muzannyo Bemba Musota n'ensonga lwaki omuwandiisi abiteeka mu muzannyo. (Obubonero 12)

13. Nga weesigama ku byokulabirako, laga bulungi ebintu ebireetera Kintu okulinnya Bemba ku nfeete. (Obubonero 25)

***Bikomye Wano***